

## Ebitendo bye Jjana

Ejjana nyumba yamilembe yaktiibwa eyokubelamu emirembe nemilembe, yagitegekela Allah ababude abalongofu, elimu ebyengela ebtalabibwangako wadde okuwulilwako mumatu gomuntu era omuntu byatalowozanga nako. Agamba Allah musuratu Sajdah aya 17 nti.

Agamba Allah nti era omuntu tamanyi ebyo byeyakwekebwa mubisanyusa amasoge mujjana ezo nga zigenda kubera mpeela kulwebyo abantu byebara ali bakola.

Era ejjana eno madaala gasinjana nga gagenda waggulu era nga abantu bagenda balinya okusinziila kumilimo gyabwe gyebakola abakkiriza nga bwagamba Allah musuratu Mujadilah Aya 11:

Agamba Allah nti "**Asitula Allah abo abakkiriza mumwe naabo abaawebwa okumanya amadala**"

Bwebatyo mujjana balya era nga banya nga bwebaagala. Muyo mulimu emigga egiamazzi amawoomu nemigga egiamata agatakyuka mpooma yaago nemigga egiomubisi gwenjuki omusengejje nemigga egiomwenge oguwoomela abagunyuwa, so nga omwenge gw'abakkiriza mu Jjana tegulinga gwa bano abedduniya ogutamiiza. Agamba Allah mu Surat Swaffaat Aya 45 – 47:

Agamba Allah nti: "**Bagenda kwetoolozebwa obwendo bwebyokunywa ebiyonjo, ebyeru nga biwooma nnyo eri ababinywa tebijja kubaamu kutawanya muntu wadde okukyusa obwongobwe**"

Era bagenda kufumbizibwa muyo abakyala abalina amaaso ag'endege (HUURUL AINI). Agamba omubaka (SAW) muhadith eyawandikwa Imaam Bukhar nti.

Agamba omubaka (SAW) nti "**Singa omukyala mubakyala bomujjana agezako neyeyolekako eri abantu bokunsi ekitangala ekimuvaaki kyandiyakayakanyizza ebyo byonna ebili wakati weggulu nensi, era byandijjudde akawoowo akamuvaako**".

Era nga nekyengela ekisinga obunene mubyengera byabantu bomujjana, kwekulaba kuwekitiibwa Allah, era abantu bomujjana tebagenda kufuka musulo wadde okumala ekyetaago ekinene mukabuyonjo era tebavaamu lusu lubi entuuyo zabwe kawowo songa ebyengela byabwe bino tebigenda kukutukawo byalubelela era tebikendela. Agamba (SAW) muhadith eyawandikwa Imaam Muslim

Agamba omubaka (SAW) nti "**Omuntu aliyingila ejjana agenda kuwebwa ebyengera tagenda kuddamu kufuna buzibu bunyigo bwonna tezigenda kuyulika engoyeze era tebugenda kugwawo obuvubukabwe**".

N'omugabo gw'omuntu mabantu bomujjana nga naye yooyo alisembayo okuva mumuliro mabantu abaalina obukkiriza ayingile ejjana nga nnungi okusinga edduniya eno yonna emilundi kumi